**LWAKI –KIKI- TUTYA (Ennono)**

**<u>LWAKI (WHY)</u>**

**1.Obwakabaka Obw'abaayitibwa(Ekklesia kingdom)**

Matayo16:13–19,18:15–20.Yesu yangamba nti alizimba ekkanisa ye **"Abaayitibwa"(Ekklesia). "Ekkanisa/Ekklesia"** kitegeeza abantu abo **abaayitibwa okuva mu bwakabaka obw'ekizikiza okuyingira mu bwakabaka obw'ekitangaala**. "Abaayitibwa" bafuuka abatuuze mu bwakabaka bwe.**"Church oba Kkanisa"** Ekigambo kya lungereza. Ekigambo kino kibululwa mululimi olu German olwedda era nga kitegeza **enyumba ey'okusinzizamu (House of worship).** Naye nga **atte ffe Kkanisa, ya Yesu Kristo Omwoyo Omutukuvu atula munda muffe so ssimu bizimbe ebyazimbibwa n'emikono gy'abantu era Yesu Kristo akomawo akukima ekkanisa ye eteriko bbaala yadde olufunyiro, ekkanisa eyo yenze nawe, so ssibizimbe newankubadde binyirira bitya.** Ebikolwa 17:24,Ebikolwa 7:48-51

NB: N'olwensonga eyo tetusobola kugenda kukkanisa kubanga ffe Kkanisa ya Yesu entuufu, ffe **Ekklesia(Abaayitibwa).** Tetusobola kweyingiramu ate bwetumala n'etwefuluma (Okuva 19:6, Ekyamateeka 7:6, Okubikkulirwa 1:6, 5:10, Isaaya 62:12, 1 Petero 2:5,9)

**2.Amateeka gw'obwakabaka – Ekigendererwa kyaffe**

- **Etteeka Ekkulu(Great Commandment)** – **Yagalanga Mukama Katonda** wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna – **Yagala abantu- Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka.** (Matayo 22:37 – 40, Mako 12:30 – 31, Luka 6:27, Yokaana 13:34, 15:12, 17, 1 Yokaana 4:7-8)**.AGAPE**: Okwagala kuno okwa **Agape** kutegeeza nti oleka byonna n'osalawo okukulembeza, n'okusukkulumya ebyetaago byabalala okira ebyaffe. Okwagala kuno okwa **Agape** tekukoma era tekulina bukwakkulizo …… **okwagala okwa Katonda** nti **"bwatyo bwe yayagala ensi eno n'okuwaayo nawaayo omwana we omu bwati"**.**Phileo(Fileyo)**-kuno kwe kwagala okwa mukwano gwange oba munywanyi wange:-kuno okwagala kulina ekkomo ssi kwaluberera. **Eros(Erosi)-**kuno kwe kwagala okw'omukyala n'omwami,okwegomba n'okwaaka.

- **Omulimu omukulu(Great Commission)** – Ekigendererwa kyaffe eky'okubiri gwe mulimu omukulu Mukama waffe Yesu gweyatulekera guguno **"Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, nga mubayigiriza okukwata byonna bye Nnabalagira Mmwe"** Matayo 28: 19 – 20). Yesu atusindika mu nsi nga Kitaawe bwe yamusindika (Yokaana 20:21) nga ayagala tumubunye era tumumanyise mu  mamawanga gonna.

**Kati ffe okufuula abalala abayigirizwa naffe kitugwanidde okusooka ofuuka oba okubeera  abiyigirizwa:- kubanga tosobola kugaba kyotolina.**

**KIKI (WHAT)**

**3.Ebiragiro/Ebigambo bya Yesu**

Buli kintu kyonna kyetukola tukyesigamya ku biragiro oba ku mateeka, n'ebigambo bya Yesu Kristo. Yesu yagamba abayigirizwaabe nti engeri gyetufula abantu/ amawanga abayigirizwa yeno – **nga tubabatiza okuyingira mulinya lya Kitaffe, n'elyOmwana, n'elyomwoyo Omutukirivu era natulagira nti bwetumala ekyo ate tubayigirize okukwata byonna byeyatulagira ffee (Matayo 28: 18 - 20).**

Okwongera okukkaatiriza ensonga eno, Yesu yakidiŋŋana emirundi mingi nti abayigirizwaabe beebo abeekuuma, nebakwaata, n'okukola ebyo byeyalagira (Ekyamateeka 17:2 – 6, 19:15, Abaebbulaniya 10:2)

Waliwo ebyawandikibwa mwenda ebikakasa nga eno bweri enkola ya Yesu Kristo.

| | | |
|---|---|---|
| **Matayo 7:24,27** | **Luka 6:46,47** | **Yokaana 15:7,10,14** |
| **Yokana 8:31** | **1Yokaana 3:22,24** | **2Yokaana 6,9** |
| **1Yokana 2:3-6** | **Matayo 28:20** | **Yokana 14:15, 21, 23, 24** |

Buli kintu kyonna kyetukola kyesigamye ku Yesu awamu nebiragiro bye. Akaseera ketumala ne Yesu ketuyita (**nze ne Yesu**).

Akaseera ketumala ne banaffe nga tuli mu DNA (akabiina akatono ketuyita **nze naawe**) awamu na kaseera ketumala wamu ne banaffe **(Ffe ffenna).**

Ekiragiro kya wiiki tukigattako n'emboozi, etuyamba okunnyonnyoka ekiragiro ekyo era n'okuyamba okusobola okukikuuma, n'okukisa mu nkola mu bulamu bwaffe.

**TUTYA (HOW)**

1) **1 Nze ne Yesu**

Buli lunaku omuyigirizwa wa Yesu sekinomu atwalayo akadde ne Yesu nga asoma ekigambo kye, nga awuliriza eddoobozi ly'Omwoyo Omutukuvu era nga ofumitiriza ku kiragiro ekya wiiki nolugero (Yookan 15:4-5)

2) **2 Nze naawe (DNA).**

Akabondo kaffe ak'abayigirizwa (abantu 2-4)Tukayita **DNA**

**Discipleship-** okuyigiriza/okuyigirizibwa

**Nurture-** okukuza/okukuzibwa.

**Accountability-** okuwa embalirira/okwewaako embalirira.

Akabondo kano akayitibwa **DNA** Kasinsinkana omulundi gumu mu wiiki. Waliwo ebikozesebwa byetukozesa ebituyambako okutulungamya bwetubeera ngatusisinkanye. Bituyambako okumanya okukula n'engeri gyetuwamu embalirira y'obulamu mu wiiki ffekka neffekka. (matayo 28-:18-20)

DNA kitundu kumugendo gw'abayigirizwa ogufuula abalala abayigirizwa ogukula buli kaseera awatali kukoowa.

3) **Nze ne ffena.**

Obubondo buno obwa **DNA** bukubirizibwa okubeera ekitundu ku Kkanisa ey'omukitundu ekyo gyebubeera. Munkungana zino Yesu ye mukulembeze era gwe mutwe gw'ekkanisa. Buli muntu akkirizibwa okwetabamu ng'Omwoyo Omutukuvu bwaba abalungamiza. (Matayo 16:16-19, Abaefeso 2:19-22, Abakkolinso 14:26)